OBUKUUMI BW'OMUKIRIZA OBUTAGWAAWO.

Yesu Kristo ayitibwa Empologoma ya Yuda. Akuuma ababe.

Moses C. Onwubiko

Grace Evangelistic Ministries, Inc.
Nashville, Tennessee U.S.A

Grace Evangelistic Ministries, Inc.
P.O Box 17246
Nashville, Tennessee 37217
www.GraceEvangelisticMinistries.org

©1997, 2003, 2004, ne kiddibwamu mu 2007 Moses C. Onwubiko. Obuyinza bwonna bwa yesigalizibwa.

Ekifananyi ky'ediba: Gerald ne Buff corsai mu Califonia Academy of Sciences.
Tewali kitundu ky'ekitabo kino ekikkirizibwa okufulumizibwa nate oba okuwerezebwa mu kika kyona oba mu ngeri yonna ey'ebyuma by'amasannyalaze oba ebikanikibwa nga mwotwalidde n'okwokyamu, okukwata amaloboozi oba engeri yonna ey'okutereka obubaka n'okubukomyawo mu ngeri endala nga tolina lukusa mu buwandiike okuva eri eyakifulumya.

Ebyawandiikibwa byonna ebikozesebwa mu kitabo kino byagibwa mu Bayibuli y'oluganda eyafulumizibwa United Bible Societies, Africa regional service center P.O BOX 42726, Nairobi.
Ebigambo ebiri mu bukomera sikitundu ky'ebyawandiikibwa ebyasooka naye bya ssira ry'omuwandiisi.
Kyafulumira mu Kampala, Uganda.

Muyimuse amaaso gammwe eri eggulu, era mutunuulire ensi wansi: kubanga eggulu lirivaawo ng'omukka, n'ensi erikaddiwa ng'ekyambalo, n'abo abagituulamu balifa bwe batyo: naye obulokozi bwange bunaabeereranga ennaku zonna, so n'obutuukirivu bwange tebujjulukukenga.
(Isaaya 51:6)

Mmanyi nga buli Katonda ky'akola [nga mwotwalidde n’obulokozi bw’omuntu] kinaabanga kya lubeerera; tewali kintu kiyinzika okukyongerwako, newakubadde okukisalibwako: era Katonda kyeyava akikola abantu balyoke batye mu maaso ge.
(Omubulizi 3:14)

Okuyitibwa kwa Bonna

> Mukama waffe Yesu Kristo bwe yali ku Musalaba, yalina gwe mu birowoozo bye. Tewali kibi kyali kikoledwa ekitayiibwa ku Yesu Kristo ku musalaba
> (1Peetero 2:24)

Yagumikiriza okulumizibwa kwonna alyoke asobole okukutemera ekubo ery'okubera n'obulamu obujuvu okuyita mu ye. Sinsonga wali mwononyi kwenkana ki oba bwoli kati Katonda asobola okukusonyiwa era n'asangulira ddala ebyonono byo. Ntya? Nga ogamba Katonda kakano nti okiririza mu mwaana we Yesu Kristo. Bwomala n'oteka obwesige bwo bwonna me Yesu Kristo ogya kuzalibwa mbagirawo mu famire ya Katonda lubeerela. Bayibuli egamba nti:

> Naye buno bwawandiikibwa, mulyoke mukkirize nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda; era bwe mukkiriza mube n'obulamu mu linnya lye.
> (Yokaana 20:331)

> Kkiriza Mukama waffe Yesu [Kristo], onoolokoka. (Ebikolwa 16:31)

Onomukiririzaamu leero? Oba onomugaana? Okusalawo kuli gyoli.

Bya Mukiriza mu Kristo.

Ensonga zonnz ez'omugaso ogw'omwoyo Katonda yazikola nga za kutegerwanga okuyita mu buwereza bw'okuyigiriza obwa Katonda Mwoyo Omutukuvu.

> Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawuliranga, N'ebitayingiranga- mu mutima gwa muntu, Byonna Katonda bye yategekera abamwagala. Naye ffe Katonda yatubibikkulira ku bw'Omwoyo: kubanga Omwoyo anoonya byonna era n'ebitategeerekeka ebya Katonda. Kubanga muntu ki ategeera eby'omuntu wabula omwoyo gw'omuntn oguli mu ye? era bwe kityo n'ebya Katonda siwali abitegeera wabula Omwoyo gwa Katonda. Naye ffe tetwaweebwa mwoyo gwa nsi, wabula omwoyo oguva eri Katonda, tulyoke tutegeerenga Katonda by'atuwa obuwa (1 Abakkolinso 2:9 -12).

Ekintu kyoka ekiziyiza omwoyo omutukuvu okutuyigiriza bye ebibi byaffe nga abantu. Kabaka Dawudi ow'endagaano enkadde yakitekayo bwati:

> Bwe mba ndowooza obutali butuukirivu mu mutima gwange, Mukama taawulire (Zabbuli 66:18).

N’olw’ekyo, Mukama bwaba nga tayinza kuwulira sala z’omukiriza olwo’ekibi ekitayatudwa mu mutima gwe, kigoberera mu njigiriza nti Omwoyo omutukuvu taja kuyigiriza muntu oyo.

EBISOKERWAAKO

> Gulanga amazima [Enjigiriza a Baibuli Ez’amazima], so togatundanga [Ganywerezenga ddala] (Engero 23:23).

Kunno kulabula okutukuvu okuva eri Katonda Kitaffe. Okusinziira ku kulabula kunno ebigambo binno bija kulagibwa mu kuyigiriza kunno:

- Omukiriza mu Mukama waffe Yesu Kristo tasobola kuloka mirundi gisinga mu gumu.
- Omulimu gwa Katonda okuvira ddala kuntandikwa okuttusa ku nkomerero guba gutuukiridde.
- Omuntu bwamala nalokoka tasobola kufirwa bulokozi bwe.

Abakulisitaayo bangi bawakanyiza enjigiriza y’obukuumi bw’omukiriza obutagwaawo. Sinsonga wa w’oyimiride ku njigiriza eno nkusaba obere mwegendereza. Omuyizi omutuufu (Omuyigirizwa) w’ekigambo kya Katonda bulijo abeera mmuggufu eri obuwereza bwa Katonda Omwoyo Omutukuvu oyo ye muyigiriza asinga ow’ebisera byonna. Oyo yekka ye asobola okukakasa ebirowozo byo ne ekigambo kya Katonda ekitalimu nsobi; n’olw’ekyo nga bw’osoma enjigiriza eno n’obwegendereza, nsaba Katonda Kitaffe abikule ebirowozo byo okuyita mu buwereza bw’Omwoyo Omutukuvu.

Kitaffe ali mugulu, nsabira abo bonna abatanaba kutegeera bulungi enteekateeka yo ey’emirembe. Nsabira abo bonna abakyali mu busibe olw’okubulwa okuyigiriza okw’amazima. Nsabira omuntu oyo ebera mukweralikirira ol’okutya okufirwa obulokozi bwe. Kitange, nsaba Omwoyo wo Omutukuvu agondeze abasomi b’ekitabo kinno enjigiriza eno. Kitange atagwaawo, webale kwanukula sala yange, mulinya ly’oyo eyatwagala enyo nawaayo obulamu bwe kulwaffe ku musalaba, Kabaka waffe ow’amaanyi, Mukama waffe Yesu Kristo. Amiina.

OBULOKOZI
Eky'okulabirako kya Ammazzi

> Yesu n'addamu n'amugamba nti Buli muntu yenna anywa amazzi gano ennyonta erimuluma nate: naye anywa amazzi ago nze ge ndimuwa ennyonta terimulumira ddala emirembe gyonna; naye amazzi ge ndimuwa ganaafuukanga munda mu ye ensulo y'amazzi nga gakulukuta okutuuka ku bulamu obutaggwaawo. (Yokaana 4:13-14)

Waliwo enjawukana yamanyi mu nyirir ebiri ezo wagulu. Enjawulo eri wakati w'amazzi agabulijo, na amazza ag'omwoyo agava eri Kristo Yesu. Olunyiriri olwe 13 lwogere ku kyetago ky'omuntu ekyabulijo. Amazzi getagibwa okukuuma obulamu bwo omuntu. Omutuntu bweyeezziyiza amazzi, asobola okukalira mu mubiri. Singa embera eno tekolebwako, asobola n'okuffa. Yesu akozesa ekintu ekimanyidwa okusobola okunyonyola ekitamanyidwa. Amazzi ago omubiri n'amazzi ago Omwoyo. Anyonyola nti; omuntu bwafuna amazzi ag'omwoyo g'agaba, enyonta ey'omwoyo eyo omuntu eja kugwaawo omulundi gumu obutadda. Yesu bw'akozesa ebigaombo "amazzi ag'omwoyo", ali mukwogera ku njiri enyangu ey'obulokozi. Mu njigiriza, omuntu asobola okumaliriza nga agamba nti obulokozi bufunibwa omulundi gumu obutadamu. (Beb 10:10)

Lowooza ku ky'okulabirako kinno: Omusaja ayimiridde n'ekikopo mu buli Mukono gwe. Mu Mukono gwe ogwa kono acute ekikopo kyanakwaatanga bulijo. Ekikopo kinno kikozesebwa ku kyetago kye ekya buli lunaku okunywa amazzi. Mu Mukono gwe guli omulala acute ekikopo eky'enjawulo. Kirimu amazzi ag'omwoyo. Alina okusalawo okukinywako oba okukireka. Singa akinwaako aja ku kikola omulundi gumu gwoka kubanga olwo enyonta ye ey'omwoyo aja kugwaawo. Kinno kya kulabirako kyekyo kyekitegeeza okufuna ekirabo kyo obulokozi. Kikulu nyo okutegeera nti kyamugaso nyo omusaja ono ookunywa ku kikopo kinno omulundi gumu gwoka okusobola okufuna ekirabo ky'obulokozi; n'olw'ekyo, oyo akiria nti atekedwa okudingana okunywa ku kikopo kino okusobola okufuna obulokozi tategeera njigiriza y'obukuumi obutagwaawo. Mu mpapula ezidako ensonga y'obukuumi bw'omukiriza obutagwaawo ejakuba nga etaganjulwa.

Obulokozi: Ensonga ye Ekisa

> Kubanga mwalokoka lwa KISA [Mu luyonaani, Mwalokoka kitegeza ekyabawo, ekiriwo era ekigenda okubeerawo] lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda: tekwava mu bikolwa, Omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.
> (Eph 2:8-9)

Abakiriza bangi enyiriri zino bazikwata mu mutwe naye tebamanyi ngeri yakuzikozesamu mu bulamu bwabwe. Amazima gali nti omukiriza yena agaana enjigiriza y'obukuumi obutagwaawo, tategeera bulungi nyirir zino.
Ekigambo ekikulu mu Baefeso 2:8-9 kye ekigambo Charis eky'oluyonaani. Okusinira ku bitabo ebiyambako mu kunyonyola enimi ne ne ekitabo ekivvuunula endagaano empya, kinyonyolwa nga "Obuyambi obuwebwa awatali suubi lya kuzza; Ku bwerere olokwagala okwekisa kya Katonda eri abantu nga ekigendererwa kyakwo kisangibwa mu bungi bwe ekisa kyomutima gw'oyo awa.; ekisa ekitali kikolerere era ekitagwanyizika" Olw'enyinyonyola eno ey'oluyonaani, tusobola okumaliriza nga tugamba bwetuti ku kisa kya Katonda:

- Tekisinziira ku ani ne ki omuntu kyali.
- Tekisinziira ku ki omuntu ky'akola oba kirungi oba kibi.
- Tekisinziira ku mirimu gy'omuntu.
- Tekisinziira ku bisuubizo by'omuntu eri Katonda.

Ekibuuzo Ekikulu Ekisooka

Nga omukiriza mu mukama waffe Yesu Kristo, kiki ekituufu kyewakola okusobola okufuna obulokozi bwo?
Bwoba nga okukiriza nti olina kye wasoonda yo kubulozi bwo, olwo tonaba kulokoka.
Lowooza ku lunyiriri luno:

> Kubanga mwalokoka lwa KISA……tekwava mu bikolwa, Omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.
> (Eph 2:8-9)

Katonda atunulira okufuba kwaffe okusonda kubulozi nga emirimu. Okusobola okulokoka, omuntu ateekwa okukiriza enkola ya Katonda eyobulokozi yonna nga bweri nga kwe kukiriza kwoka mu Kristo yekka. Obutakikola kija kukufiriza emirembe gyonna; n'olw'ekyo kikulu nyo gwe otegeere enjigiriza eno obulokozi kwe bwesigamye. Kuludda olulala, singa ogamba nti tolina kye wakola nga ojeeko okukiriza mu Kristo okulokoka, awo olina ekigera ky'okutegera Abaefeso 2:8-9.

Ekibuzo Ekyokubiri Ekikulu

Bwoba nga tolina kye wakola okufuna obulokozi, kiki k'oyinza okukola okubufiirwa?

Eky'okudamu kyangu nyo: TEWALI. Lekka ntangazeemu mu kyokudamu kino. Katonda bwaba yawa omuntu obulokozi nga yesigamye kukakwakulizo, nga empisa enungi, kikola amakulu okuwunzika nti singa empisa ezo zikyukamu, Katonda yandigyewo obulokozi. Ku ludda olulala, ekirabo ky'obulokozi bwekiba nga tekisinziira ku kakwakulizo konna, tuwunzika tugamba nti obulokozi tebusobola kukugibwaako. Kino ge mazima nga bwegasangibwa mu Baefeso 2:8-9.

Obulokozi: Ensonga Y'ekirabo

Barumi 6:23b agamba, "Naye EKIRABO kya Katonda bwe bulamu obutagwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe." Ekirabo ky'ekyo: Kirabo. Akirabo ekituufu kirabirwa ku bubonero buno wamanga:

- Tekisinziira ku mpisa z'oyo akifuna
- Ekirabo ekituufu tekisiniira ku oyo ekifuna by'akoze.
- Tekisinziira ku bulungi bw'oyo akifuna.

Ekirabo ekitufu tekyedizibwa. Tekisazibwaamu! Ekirabo bwe kimala okuwebwa omuntu tekimugyibwa ka kibe ki oba ki. Kino bwekiri ne kukirabo ky'obulokozi:

> EKIRABO kya Katonda EKY'OBWERERE bwe bulamu obutagwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe. (Barumi 6:23b)

Ekirabo kya Katonda Tekisazibwamu

> Kubanga ebirabo n'okuyita kwa Katonda tebyejjusibwa.
> (Barumi 11:29)

Kiba tekigoberera, omukiriza akiriza Barumi 11:29 nga ekyawandiikibwa ekitukuvu okugana enjigiriza y'obukuumi obutagwaawo. Waliwo ensonga bbiri enkulu lwaki abantu bagaana enjigiriza eno. Ensonga esooka, bya buwangwa. Abantu bangi sibetegefu kusoomoza bya buwangwa n'ebyawandiikibwa. Mungeri eyo betegefu okwesigama kunzivunula y'abantu eyabyawandiikibwa so si ya Mwoyo mutukuvu. Ensonga eyokubiri, butamanya. Abantu bangi balina ebintu byabwe ebisooka so sikuyiga kigambo kya Katonda era n'olwekyo bategera kitono enjigiriza ez'omwoyo.

Lowooza ku nyirir zino wamanga:

> Naye EKIRABO kya Katonda bwe bulamu obutagwaawo mu Kristo Yesu Mukama waffe." (Barumi 6:23b)

> Kubanga ebirabo n'okuyita kwa Katonda tebyejjusibwa.
> (Barumi 11:29)

Mu Barumi 11:29, "Ebirabo bya Katonda" tebabitumenyera; naye mu Barumi 6:23b kisoma nti, "Ekirabo kya Katonda Eky'obwerere bwe bulamu obutagwaawo," nga kivuunula ekimu ku birabo bya Katonda. Ekyokulabirako kinno kisobola okutekebwa mu lunyiriri nekisoma nti: "Kubanga ebirabo bya Katonda [Obulamu Obutagwaawo] n'okuyitibwa kwa Katonda tebisobola kusazibwaamu. Kino kitegeza nti Katonda bw'awa omukiriza obulamu obutagwaawo, ekirabo ekya teyinza kusazibwaamu.

Omulimu gwa Katonda Mutukirivu.

> Omulimu gwe mutukirivu (Ekyamateeka 32:4a)

Katonda Mutukirivu. Omulimu gwe bulijo gutulaga obutukirivu bwe. Teyetaaga ku kyusa oba kulongoosa mu mulimu gwe gwonna. Na kino mu birowoozo omukiriza alina okumanya Katonda bw'amala okusa obutuukirivu bwe (Barumi 3:22) ku

muntu atedde obuteesi okukiriza kwe mu Kristo, obutuukirivu obwo buberera emirembe n'emirembe.

Wanno waliwo ebibuzo ebikulu: Okubalirwa obutukirivu kisinzziira mu muntu akiweebwa? Katonda abera amanyi okulemererwa kw'omuntu okuli mu maso nga tanaba kumubalira butukirivu oba? Leka Baibuli eyanukule ebibuzo binno:

> Amaaso go gaalaba omubiri gwange nga tegunnatuukirira, Ne mu kitabo kyo ebitundu byange byonna ne biwandiikibwa.
> (Zabuli 139:16)

Kituufu nti Katonda mu kumanya kwe okw'ebintu byonna amanya ebyomumaso by'omuntu yenna nga tanaba nakuzalibwa.; n'olw'ekyo, ekirabo kya Katonda eky'obutuukirivu tekisobola kwesigama ku kakwakulizo konna(oba ku mpisa) z'oyo akifuna kubanga yakimanya mu mirembe egyayita nti omuntu alilemererwa. Sikyambala ye okuwa ekirabo nga amanyi nti olunaku lumu alikyediza. Empunzika eyamagezi eri nti ekirabo kya Katonda eky'obulokozi kirina obukuumi. Kuby'omulimu gwa Katonda Baibuli egamba:

> Mmanyi nga buli Katonda ky'akola kinaabanga kya lubeerera; tewali kintu kiyinzika okukyongerwako, newakubadde okukisalibwako: era Katonda kyeyava akikola abantu balyoke batye mu maaso ge.
> Omubulizi 3:14

> Tewali kyetagisa kwongerwa ku mulimu gwe kubanga mutukirivu (Ekyamateeka 32:4)

Katonda Omuzimbi Omutukirivu

> Kubanga fe tuli……Kizimbe kya Katonda (1Bakkolinso 3:9)

Kubamu akafananyi omuzimbi omutendeke nga azimba ekizimbe. Akizimbira omusingi omugumu kwekinayimirira. Nazimba n'empagi ez'ensonda ezinakiwanirira. Alonda n'obwegendereza amatofali amagumu ne seminti. Atabula seminti n'omusenyi olwo nalyoka atandika okussa amatofali ku musingi, limu ku linalyo okutuusa nga ekiziimbe kiwedde.

Mungeri y’emu, abakiriza bonna awamu balabibwa nga enyumba eyazimbibwa Katonda. Nga omuzimbi omutukirivu, yazimba omusingi ogutatataagana. Omutume Pawulo yekisayo bwati:

> Kubanga tewali muntu ayinza kusima musingi mulala wabula ogwo ogwasimibwa, ye Yesu Kristo. (1Bakkolinso 3:11)

> Mukama waffe Yesu Kristo era ly’ejinja lyokunsonda (Bef 2:20)

Abakiriza bonna ge matofali agalondebwa okuzimba enyumba ya Katonda.

> Era nammwe ng'amayinja amalamu muzimbibwa ennyumba ey'omwoyo
> (1Petero 2:5a)

Katonda mu kisa kye ekitageragеranyizika alonda amayinja agatagasa (abakiriza bonna) n’abateekateeka kul’enyumba ye. Kya bubambavu nakuvoola okugamba nti Katonda asobola okufirwa erimu ku mayinja ge geyayelondera. Tekiyinzika okujawo omukiriza eyalondebwa Katonda netekebwa ku musingi gwa Mukama waffe Yesu Kristo.

> Omutume Pawulo yekiraga bulungi nyo:
>
> Kubanga ntegeeredde ddala nga newakubadde okufa, newakubadde obulamu, newakubadde bamalayika, newakubadde abafuga, newakubadde ebiriwo, newakubadde ebigenda okubaawo, newakubadde amaanyi, newakubadde obugulumivu, newakubadde okugenda wansi, newakubadde ekitonde kyonna ekirala, tebiiyinzenga kutwawukanya na kwagala kwa Katonda okuli mu Kristo Yesu Mukama waffe.
> (Barumi 8:38-39)

Omukiriza yenna ateesa nti Katonda ayinza okuja omukiriza ku nyumba ye (Okujibwako oba okufirwa obulokozi) abera agamba nti omulimu gwa Katonda si mutuukirivu.

Obukumi Obutagwaawo mu Kulengera

Buli mukiriza alirokoka. Omutume Pawulo yawandiika:

> Naye omuntu yenna bw'azimbanga ku musingi ogwo zaabu, ffeeza, amayinja ag'omuwendo omungi, emiti, essubi, ebisasiro; omulimu ogwa buli muntu gulirabisibwa: kubanga olunaku luli luligwolesa, kubanga gulibikkulirwa mu muliro; n'omuliro gwennyini gulikema omulimu ogwa buli muatu bwe gufaanana. Omulimu ogwa buli muntu gwe yazimbako bwe gulibeerawo, aliweebwa empeera. Omulimu ogwa buii muntu bwe gulyokebwa, alifiirwa; naye ye yennyini alirokoka; naye bw'ati, kuyita mu muliro.
> (1Bakkolinso 3:12-15)

Mu kutula okusoka, omuntu ayinza okulowooza nti Pawulo yali ayogera ku njawulo wakati w’emirimu gy’omukiriza ow’mwoyo, n’owomubiri; naye omuntu bweyekkaliliza aja kukiraba nti Pawulo alimukugezaako okwogera ekintu ekyebuziba okusingawo. Kyagamba nti abakiriza bonna ab’omwoyo n’abomubiri baja kulokoka kulunaku lw’okuzukira kw’ekanisa. Kino akikola nga asoka okunyweza nti abakiriza bombi ab’omwoyo n’abomubiri bali “ku musingi,” nga ye Kristo Yesu. Pawulo agenda mu maso okwawula ebiva mu mirimu gy’omukiriza ow’mwoyo n’owomubiri nga alangirira nti ebivamu by’omukiriza ow’omubiri si kufirwa bulokozi bwe naye kufirwa mpeera. Lwaki? Kubanga abakiriza bonna bazimbidwa ku musingi nga si lwabikolwa byabwe naye olw’ekisa kya Katonda; n’olw’ekyo akageri kekiri nti okufuna obulokozi tekwesigamizibwa ku mirimu, emirimu si ye nsonga y’okufirwa obulokozi.

> Omutume Pawulo awandika;
> N'atulokola, si lwa bikolwa eby'omu butuukirivu bye twakola ffe wabula olw'okusaasira kwe. (Tito 3:5a)

> Eyatulokola n'atuyita okuyita okutukuvu, si ng'ebikolwa byaffe bwe biri, wabula okumalirira kwe ye n'ekisa bwe biri, kye twaweerwa mu Kristo Yesu emirembe n'emirembe nga teginnabaawo (2Tim 1:9)

Eky’amazima nti obulokozi bwesigama ku kisa kyoka ky’ekigyingyi ekisingayo obuzibu eri abakiriza abamateeka okubuuka. Okutuusa nga bakibuuse, tebaja kusobola kukiriziganya na njigiriza y’obukuumi obutagwaawo.
Ngatujuliza !Abakkolinso 3:15, kya Baibuli okuwunzika nti nga ogyeko obulamu omukiriza bwalondawo, aja kuba mulokole. Bwanasigala nga mukiriza wa mubiri obulamu bwe bwonna,

> Omulimu ogwa buii muntu bwe gulyokebwa, alifiirwa; naye ye yennyini alirokoka; naye bw'ati, kuyita mu muliro. (1 Abakkolinso 3:15)

Okweralikirira kwoka omukiriza ow'omubiri kw'atekedwa okubera nakwo gwe "muliro" guno. Pawulo yali ategeza ki bweyagamba nti omukiriza ow'omubiri alirokoka nga "oyo ayita mu muliro"?

Omwoyo omutukuvu teyatuwa kyakudamu eri kibuzo kinno mu byawandiikibwa; naye, omukiriza ow'omubiri atekwa okwelarikirira kiki kyekiyina okuba nga kitegeeza. Kyona kyekirbera, nikiriza nti tekiribera kintu kirungi kya kuyitamu.

Katonda Kitafe Akwata Omukiriza

Abakiriza kye balemwa okuzuula nti obukuumi obutagwaawo bukumibwa obusatu: Katonda Kitafe, N'omwaana, N'omwoyo Omutukuvu.

> Kitange eyazimpa ye mukulu okusinga bonna, so tewali ayinza okuzisikula mu mukono gwa Kitange. (Yokaana 10:29)

Era n'omutume Pawulo yawandiika:

> Ggwe ani asalira omusango omuweereza wa beene? eri mukama we yekka ayimirira oba agwa. Naye aliyimirira; kubanga Mukama waffe ayinza okumuyimiriza.
> (Barumi 14:4)

Okuva mu lunyirir lunno kisobola okulabibwa nti obukuumi obutagwaawo buvunanyizibwa bwa Katonda. Kabaka Dawudi yategera enjigiriza eno:

> Obulokozi bwa Mukama (Zabuli 3:8a).

Isaaya yadamu ebigambo bya Katonda nga agamba nti:

> Obulokozi bwanga bunabereranga emirembe gyonna (Isaaya 51:6b).

Katonda alina amanyi gonna era n'abakiriza bonna mu Kristo Yesu:

> …bakumibwa amanyi ga Katonda okuyita mu kukiriza olw’obulokozi obwetegase okubikulibwa mu kisera ekyoluvanyuma (1Peetero 1:5)

Ekisera eky’oluvanyuma kyabadde okutuuka? Neda, kubanga kinno kyogera ku kuzuukira kw’ekanisa; n’olw’ekyo kisobola okuwunzikibwa nti buli mukiriza akyali wansi w’obukumi bwa Katonda obujuvu.

Katonda Mwaana Yasubiza Obutafirwa Mukiriza Yenna

Yesu yagamba:

> Eyantuma ky'ayagala kino mu bonna be yampa aleme okumbula n'omu naye mmuzuukirize ku lunaku olw'enkomerero.
> (Yokaana 6:39)

Ne yeyongera n’asubiza nti:

> Buli muntu yenna alaba Omwana n'amukkiriza abe n'obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero.
> (Yokana 6:40b)

Omukiriza ayinza atya okusoma enyiriri zinno ate nagenda mu maso nagana okuyigiriza kunno okw’obukuumi obutagwaawo? Yesu yagamba:

> nange nziwa obulamu obutaggwaawo; so teziribula emirembe n'emirembe, so tewali alizisikula mu mukono gwange.
> (Yokaana 10:28)

Abakiria basobola okunywerera ku bisubizo bya Kristo kubanga:

> “Oyo eyasubiza, mwesigwa” (Beb 10:23b)

Katonda Omwoyo Omutukuvu Y’assa Akabonero ku Mukiriza.

Pawulo Omutumw yawandiika:

> Era namnwe mu ye, bwe mwawulira ekigambo eky'amazima, enjiri ey'obulokozi bwammwe, mu oyo, n'okukkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwa:;o akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa,
> (Abaefeso 1:13)

Mu miremba egyayita akabonero bwekatebwanga kukintu kyonna nga olwo tekikyasobola kukyusibwa. Oky'okulabirako ekituufu ye Danyeri mu ndagaano enkadde (laba Danyeri 6:16-18). Nga tujuliza enkola enno ey'edda, omukiriza asobola okutegeera omugaso gw'okusibwako akabonero n'omwoyo omutukuvu okutuusa ku lunaku lw'okuzukira kw'ekanisa. Omutume Pawulo yeyongera nawandiika:

> Mu oyo, n'okukkiriza bwe mwakkiriza, ne muteekebwa:;o akabonero n'Omwoyo Omutukuvu eyasuubizibwa, 14 gwe musingo gw'obusika bwaffe, okutuusa envuma ya Katonda lw'erinunulibwa, ekitiibwa kye kitenderezebwe
> (Abaefeso 1:13b-14)

Mukuwuumbawuumba, omukiriza bwamala na'alokoka olw'okukiriza mu Yesu Kristo, nakumibwa amanyi ga Katonda Kitafe, era n'atekebwako akabonera omwoyo omutukuvu, tewali kibuzo ku bukumi bwe obutagwaawo.

Yesu Kristo Ayitibwa Empologoma ya Yudah (Kubikulirwa 5:5)

Y'empologoma y'emirembe gyonna ekyasinze amaanyi. Awa obulamu obutagwaawo eri omuntu yenna amukiririzaamu (Yokaana 17:2) era awa okukuumi obutagwaawo eri abakiriza banno (Yokaana 10:28).

- Yakola okusubiza okunywevu obutafirwako n'omu:
  Eyantuma ky'ayagala kino mu bonna be yampa aleme okumbula n'omu naye mmuzuukirize ku lunaku olw'enkomerero.(Yokaana 6:39)

- Kubanga Kitange ky'ayagala kye kino buli muntu yenna alaba Omwana n'amukkiriza abe n'obulamu obutaggwaawo; nange ndimuzuukiza ku lunaku olw'enkomerero. (Yokaana 6:40)

- Abakiriza banno bwebalemererwa abawolereza mu kooti enkulu eyo mu gulu: "Abaana bange abato [abakiriza mu Kristo Yesu} mbawandiikira ebintu bino

muleme okwonoona. Era omuntu yenna bw’ayonoona, tulina omuwolereza [looya] awamu ne Kitafe ye Kristo Yesu omutukirivu (1Yokaana 2:1)

- Asuubiza okukwaata abakiriza n’omukono gwe ogw’amanyi. “nange nziwa obulamu obutaggwaawo; so teziribula emirembe n'emirembe, so tewali alizisikula mu mukono gwange.” (Yokaana 10:28)

- Omukono gwe guli ku kigambo kye “Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye ebigambo byange, tebiriggweerawo ddala. “(Matayo 24:35)

- Asabira Abakiriza (Yokaana 17:1-12)

Okufuundikira

Katonda mutukuvu n’omulimu gwe mutukuvu. Yeyatandika obulokozi okuyita mu kisa kye (Bef 2:8-9). Yeyagula omwononyi okuyita mu kufa kw’omwaana we (1Peetero 1:18-19). Era yeyassa akabonero ku mukiriza n’omwoyo we omutukuvu (Bef 1:13), era akuma omukiriza n’amanyi ge (1Peetero 1:5). Na kino mubirowoozo, fumiitiriza ku nyirir zinno wamanga:

> Naye oyo ayinza okubakuuma obuteesittala, n'okubayimiriza mu maaso g'ekitiibwa kye nga temuliiko bulema mu kujaguza, 25 Katonda omu yekka Omulokozi waffe, ku bwa Yesu Kristo Mukama waffe, aweebwenga ekitiibwa, obukulu, amaanyi n'obuyinza, edda n'edda ng'emirembe n'emirembe teginnabaawo, kaakano era n'emirembe egitaliggwaawo. Amiina. (Yudah 1:24-25)

Kubanga ebirabo n'okuyita kwa Katonda tebyejjusibwa.
(Barumi 11:29)

Oba nga tetukkiriza, ye abeera mwesigwa kubanga tayinza kwerimba.
(2Tim 2:13)

GULANGA AMAZIMA SO TOGATUNDANGA
(Engero 23:23a)
Obadde okimanyi nti ejigiriza ya Bayibuli entuffu eri nga omuddaali ogw'omwoyo, ogw'omuwendo omungi ogutagulika? Kituufu, ebyafaayo by'ekanisa bitulaga ngabwe kyakaluba ennyo okulaba nga enjigiriza ya Baibuli eyamazima ejja, okusingira ddala mu bukulisitaayo obw'enakku zinno! N'olw'ekyo Katonda, okuviira ddala ku kagga ke ak'ekisa, bwatukulembera okututuusa ku kkula lye ely'amazima mu kigambo kye ekitajjulukuka, kikugwanira okugaagala obutesigaliza. Bayibuli ye bbookisi ey'ebyomuwendo erimu obusobozzi bwo enyumirwa obulamu obujjuvu, okukuungula essanyu erijudde mu bulamu, emikwano, obuffumbo, emirimu, n'okunyumirwa emikisa egyitayinzika olwaleero, n'enkya; n'olwekyo, "Gulanga amazima" (beera nga osiimbiddwa mu kigambo) "Kubanga amagezi gasinga amayinja amatwakaavu; N'ebintu byonna ebiyinzika okwegombebwa tebyenkanyankanyizibwa nago." (Engero 8:11)

Amazima: Kubanga amateeka si ge gabafuga,
wabula EKISA (Barumi 6:14b)

Kasaasanyizibwa: Grace Evangelistic Ministries Inc. Uganda.

Obutabo Bwetulina Kubwereere

Riding the Death Train	- Okusaabala Eggaali Y'okufa
Eternal Security for the Believer	- Obukuumi Obutaggwaawo Obw'omukiriza
Comfort in Suffering	- Okubuddabudda Mukubonabona
God's Plan after Salvation	- Enteekateeka ya Katonda Oluvanyuma Lw'obulokozi
Biblical Doctrine of Salvation	- Enjjigiriza ya Baibuli ey'obulokozi
Focus on Christian Marriage	- Essira ku bufuumbo obw'ekikrisitaayo
Overview of God's Grace	- Ennambulula y'ekisa kya Katonda
Paul, a Trophy of God's Grace	- Paul, Ekikopo ky'ekisa kya Katonda
Joseph, A Pillar of Grace	- Yusuufu, Empagi y'ekisa kya Katonda

Naya mukulire mu kisa ne mukutegeera Mukama waffe era omulokozi Yesu Kristo. Oyo awebweenga ekitiibwa kaakano era n'okutuusa ku lunaku olw'emirembe n'emirembe.
Amiina (2 Petero 3:18)

Okufuna kano oba obutabo obulala, wandiikira:

Mu America.
Grace Evangelistic Ministries
P.O Box 111999
Nashville, TN 37222
U.S.A
www.GEMworldwide.org

Mu Africa.
Grace Evangelistic Ministries
Suite. K3K4,
Kach Kleo Entertainment Center
Adjacent Yahuza Suya Spot
5221 ROAD, 5th Avenue, Gwaripa
Abuja FCT Nigeria
www.GEMAfrica.org
contact@gemafrica.org

Mu UK
www.GEMEurope.org
office@gemeurope.org

Moses C. Onwubiko ye mukulembeze era omutandisi wa Grace Evangelistic Ministries ekyatandikibwawo mu mwaka gwa 1997 nga ekitongole ky'obuminsani ekiyigiriza Baibuli n'essira erisinga obukulu kwe kubuulira enjiri. Omulimu gwaffe omukulu kwe kutwala enjiri ey'ekisa ey'okukiriza kwoka mu Kristo yekka eri ensi eyabula era ezikirira. Moses abulidde enjiri mu mawanga mangi mu Africa, Asia ne Bungereza era yeyongera okutambula wona wona Mukama waggula olugi.

Naye olw'ekisa kya Katonda
bwe ndi bwe ndi (1Kol 15:10)

Olw'ekigera ky'ekimu eky'ekisa ngyakumakiliriza ekyo
Katonda ky'ayagala malirize
– Omuwandiisi

Enkola ye Eby'ensimbi.

Grace Evangelistic Ministries tekisolooza nsimbi. Tukiriza nti Katonda mu kisa kye ajja kugenda mu maaso nga asisinkana ebyetaago byaffe eby'ensimbi nga bwe bijja.

Tetusasuza bitabo oba tteepu z'amalobozi. Tewali seente zisabibwa. Essanyu ly'ekigambo kya Katonda n'okutegera kw'ekyetaago ky'okutuuka ku myoyo egitanalokoka n'enjiri enyangu ey'ekisa n'enjigiriza entuufu eya Baibuli bwe bikwagazisa okuwaayo, olina omukisa gw'okuwaayo n'okugabanira awamu mu kubunyisa ekigambo kya Katonda. Buno buwereza bwa kisa.